# *Ekkanisa Eyalimbibwa Ensi*

Yesu Kristo, Omwana We, era n'atuwa buwa ebintu byonna mu Kristo. Tukwebaza, Mukama, olw'emikisa egyituwebwa okuyita mu Ssaddaaka eno esukkulumye obukulu Yesu gye yawaaayo ku lwaffe e Ggologoosa, okuba nti yatutabaganya naawe mu kussa ekimu n'okuganja, tusobole okufuna ekitugumya kino eky'okumanya nti kyawandiikibwa nti, "Bwe mubeera mu Nze, n'Ebigambo Byange mu mmwe, musobola okusaba kye mwagala, era kinaabakolerwanga." Kaakano, kino tukikwebaliza, era tukusaba otuwe okukkiriza okw'okukikkiriza na byonna ebiri mu ffe.

2 Kaakano leka tuteeke ku mabbali, Mukama, okulafuubana kwonna okw'olunaku, okweraliikirira kwonna okw'obulamu buno, okuviira ddala ku oyo alabirira ekifo okutuuka ku musumba, waleme kubaawo kintu kyonna mu birowoozo byaffe mu kaseera kano, okujjako okulindirira, n'okuwuliriza mu buwombeefu Omwoyo Omutukuvu nga ayogera gye tuli, tusobole okubaako ne kye tutuukako ekirungi, okweyongera okukumanya, okuyita mu kukuŋŋaana kwaffe awamu. Kubanga, Mukama, mazima eyo ye nsonga etuleese ku lunaku luno olw'ebbugumu. Yogera gye tuli okuyita mu Kigambo Kyo ekiramu, era leka Ekigambo ekiramu kituule mu ffe era kibeerere mu ffe, tusobole okubumbibwa n'okukolebwa, ssi mu kufaananyizibwa nga ensi, naye tukyusibwe okuyita mu kuzzibwa obuggya okw'emyoyo gyaffe, mu nkula y'Omwana wa Katonda. O, emitima gyaffe nga gikankana bwe tulowooza, era essanyu ne libugaana emmeeme zaffe, okukimanya nti tuyitibwa batabani ne bawala ba Katonda. Tuyimiridde ddala ku njegooyego ez'Okujja Kwe okw'omulundi ogw'okubiri, nga amawanga gonna n'obwakabaka binyeenyezebwa wansi w'ebigere byaffe, nga ebintu by'ensi byonna bisaanawo, naye nga tukimanyi nti lumu alijja era alitutwala mu Bwakabaka obutaliggwaawo, oba, obutalinyeenyezebwa. N'okukirowooza nti kaakano ffe ba—batuuze b'Obwakabaka obwo! Ai Katonda, komola emitima gyaffe n'amatu olwa leero, okuyita—okuyita mu Mwoyo Omutukuvu, okuyita mu kunaazibwa n'amazzi ag'Ekigambo. Kubanga tukisabye mu Linnya Lye era ku lw'ekitiibwa Kye. Amiina.

3 Njagala okwogera ku ky'okuyigako enkya ya leero. Kubanga, nnabadde wa kwogera ku kintu kya njawulo ssinga wabadde wa kubaawo olukuŋŋaana lw'okusabira abalwadde, naye twalanze nti kaadi ez'ab'okusabirwa za kugabibwa ku ssaawa bbiri, okutuuka ku bbiri n'ekitundu oba ssatu. Era nna. . .Billy azze ewaka eddakiika ntono eziyise n'agamba nti kyenkana tewali muntu n'omu wano, n'olwekyo teyagabye kaadi za ba

kusabirwa. Kale tujja. . .Nnalowoozezza okutwala ekitundu kino, okusobola okugolola ekkanisa. Era njagala okwogera ku ky'okuyigako ekigamba nti: *Ekkansia Eyalimbibwa Ensi.* Njagala okusomako kati okuva mu Kitabo Eky'abalamuzi, essuula eye 16, okutandikira ku lunyiriri olwe 10.

> *Derira n'agamba Samusooni nti Laba, onduulidde, era onnimbye: kaakano nkwegayiridde, mbuulira* ekisobola *okukusiba.*
>
> *N'amugamba nti bwe balinsibya obusibya emiguwa emiggya egitakozesebwanga ku mirimu, ne ndyoka nfuuka omunafu ne mba ng'omusajja omulala.*
>
> *Derira n'addira emiguwa emiggya n'amusibya egyo, n'amugamba nti Abafirisuuti bakuguddeko, Samusooni. Era abateezi baali mu nju ey'omunda. N'agikutula ku mikono gye ng'ewuzi.*
>
> *Derira n'agamba Samusooni nti Okutuusa kaakano onduulira era onnimba bulimbi: mbuulira* ekyo *ekisobola okukusiba. N'amugamba nti bw'onooluka. . . emivumbo egy'oku mutwe gwange omusanvu n'engoye ezirukibwa.*
>
> *N'azisibira ddala ku lubambo n'amugamba nti Abafirisuuti bakuguddeko, Samusooni.* N'azuukuka *mu tulo twe, n'akwakkula* emmambo z'emiti *egirukirwako, n'engoye ezirukibwa.*
>
> *N'amugamba nti, Oyinza otya okwogera nti Nkwagala, omutima gwo nga teguli nange? waakanduulira gino emirundi esatu, so. . .ombuulidde amaanyi go amangi mwe gasibuka; so tonnambuulira amaanyi go mwe gasibuka.*
>
> *Awo olwatuuka* bwe *yamutayiriranga buli lunaku n'ebigambo bye n'amwegayiriranga, obulamu bwe ne bwagala okufa ennaku.*
>
> *N'amubuulira byonna (ebyali mu) mutima gwe, n'amugamba nti Akamwano tekayitanga ku mutwe gwange; kubanga ndi Muwonge eri Katonda okuva mu lubuto lwa mmange: bwe ndiba nga mmwereddwa, amaanyi gange ne galyoka ganvaako, ne nfuuka omunafu, ne mba ng'omusajja omulala yenna.*
>
> *Derira bwe yalaba ng'amubuulidde byonna (ebibadde mu) mutima gwe, n'atuma n'ayita. . .abakungu b'Abafirisuuti ng'ayogera nti Mwambuke omulundi guno gwokka, kubanga* andaze *byonna (ebibadde mu) mutima gwe.* Era *abakungu b'*Omufirisuuti *ne balyoka bayambuka gy'ali nga baleeta effeeza mu ngalo zaabwe.*

> *N'amwebasa ku maviivi ge; n'ayita omusajja, n'amwa emivumbo egy'oku mutwe gwe omusanvu; n'a...* tandika *okumujeeza, amaanyi ge ne gamuvaako.*
>
> *N'ayogera nti Abafirisuuti bakuguddeko, Samusooni. N'azuukuka mu tulo twe, n'ayogera nti Naafuluma ng'obwedda, ne nneekunkumula. Naye yali tamanyi nga Mukama amulese.*

4 Kati nnandyagadde okusoma, ekitundu eky'ekyokuyigako kino, ekisangibwa mu Kitabo eky'Okubikkulirwa, essuula ey'oku 2, okutandikira ku lunyiriri olwa 21 n'olwa 23.

> *Era nnamuwa ebbanga okwenenya* obukaba bwe; *n'atayagala kwenenya.*
>
> *Laba mmusuula ku kiriri, n'abo abenda naye mu kubonaabona okungi, bwe bateeneenya mu bikolwa byabwe.*
>
> *Era n'abaana be ndibatta n'olumbe; ekkanisa zonna ne zitegeera nga Nze nzuuyo akebera emmeeme n'emitima: era ndiwa buli muntu mu mmwe ng'ebikolwa byammwe bwe biri.*

Mukama agatte emikisa Gye ku kusoma kw'Ekigambo Kye.

5 Samusooni, okufaananako nga ekkanisa, yatandika bulungi. Yatandika nga ali mu kkubo ettuufu. Yatandika, era n'ayitibwa omusajja ow'amaanyi omuzira. Yatandika nga, aweereza Mukama, nga akuuma Ebigambo Bye n'okukola Ebiragiro Bye. Era ekyo kyali kifaananamu n'ekkanisa. Yatandika, nga bwe tuyinza okwogera, mu njogera y'ensi nti, yatandika bulungi. Yatandika akuuma Ebiragiro bya Mukama. Era Samusooni kasita yasigala nga agoberera Mukama, ne Mukama yakozesanga Samusooni.

6 Kubanga, Katonda asobola okukuuma omuntu yenna n'okukozesa omuntu yenna anaamugoberera, kubanga mulimu gwa Katonda. Naye bwe tukyama, ne tuva ku bintu bya Katonda, awo Katonda aba takyasobola kuddamu kutukozesa. Bwe tuneeyongera okugoberera Ebiragiro bya Katonda, bwe tunaanywerera mu miko gya Bayibuli ne tusinza okuyita mu Kigambo ekiwandiike, ne tumusinza mu Mwoyo ne mu Mazima g'Ekigambo, awo Katonda aba asobola okukozesa omuntu yenna. Naye bw'afunamu ekirowoozo eky'okukyama okugoberera ekintu ekirala, awo Katonda aba takyasobola kukozesa muntu oyo nate.

7 N'olwekyo, Samusooni ajjayo eki—ekifaananyi kyennyini eky'ekkanisa ya leero. Ekkanisa bwe yatandika, Katonda yasobolanga okukozesa ekkanisa, kubanga ekkanisa yatambuliranga mu bunyiikivu mu Biragiro bya Mukama, nga ekuuma emisango Gye gyonna n'amateeka Ge, nga ekola Ebiragiro Bye byonna. Era Katonda yabeeranga n'ekkanisa.

Naye kirabika okuba nti waliwo aweyongera okunafuwa mu kkanisa.

8 Jjukira nti, tetuli mu bulamu bwa kweyagala bweyagazi, wabula tuli mu ddwaniro. Abantu bangi balowooza nti bwe bafuuka Abakristayo ekyo kye kyokka kye beetaaga okukola, nti ekyo kimala emirembe gyonna, nti nga bwe bali Bakristayo buli kimu kijja kubanguyira. Ekyo tokiteekanga mu ndowooza yo. Kubanga, nnafuuka Mukristayo nsobole okulwana, nnwaane olulwana olulungi olw'okukkiriza. Nnafuuka Mukristayo, nsobole okwenyigira mu lutalo. Tuli bajaasi Abakristayo, era tuteekwa okutendekebwa n'okukuzibwa, n'okutegeera obukodyo bw'omulabe bwonna, okumanya engeri y'okwezimbako bbugwe, okutegeera engeri y'o—okulwana olutalo. Era ekyo tusobola kukikola kuyita mu ngeri emu yokka nga Omwoyo Omutukuvu bw'anaakitubikkulira. Tetusobola kutwala ebyo eggwanga eddala bye litugamba nga tugenda mu lutalo, ezimu ku ndowooza zaabwe. Naye tuteekwa kutwala ndowooza zaffe, engeri Omwoyo Omutukuvu gy'anaatuluŋŋamyamu, n'ebirowoozo by'Anaatuwa, kubanga Ye Muduumizi Omukulu ow'eggye ly'Abakristayo.

9 Samusooni yakola bulungi, yali musajja wa kitalo okutuusa lwe yatandika, lwe yatandika okuba nga (kye twandiyise) okuleereta, okutuusa lwe yatandika okuseeseetuka okuva ku butaka bwe. Ekkanisa nayo yadduka bulungi, era yali etambula bulungi okutuusa lwe baatandika okuseeseetuka okuva ku butaka bwabwe. Samusooni yatandika okuzannyiikiriza abawala mu ngeri ey'ekikaba. Ate yali tazannyiikiriza bawala Abayisiraeli, yatandika kuzannyiikiriza n'abawala Abafirisuuti mu ngeri ey'ekikaba.

10 Era ekyo kifaananamu n'ekkanisa kye yakola. Teyatandika kukola mukwano n'abaayo, naye yagenda n'abatakkiriza n'etandika okuzannyiikiriza n'abatakkiriza. Awo we twakolera ensobi yaffe, era emu ku nsobi ezisingayo obunene, weewo ekkanisa w'etandikira okukola ebitasaanidde kukolebwa. Etandika okubeera, nga Samusooni, n'emikwano emibi.

11 Samusooni, kasita yabeeranga wamu n'abantu ba Mukama, yabeeranga bulungi. Naye bwe yatandika okuzanyiikiriza n'emikwano emibi, awo n'alyoka agwa mu mitawaana.

12 Era ye ngeri y'emu n'ekkanisa. Ekkanisa bwe yagobereranga mu bwegendereza bulijjo okukulemberwa kw'Omwoyo Omutukuvu, Katonda yabawanga omukisa, era eby'amagero n'obubonero n'ebyewuunyo byagobereranga ekkanisa. Naye kasita yatandika okubeera n'emikwano emibi, n'ensi! Ekimu ku bintu ebisingayo obubi bye yakola, era ebintu bye yasooka okukola, yatandika okwekolamu ebibiina, nga eyawukanya abakkiriza ku bannaabwe, kubanga baakizuula nti n'amawanga nago gaali gakulemberwa na nkola ya buntu. Naye Enjiri eno

ey'amaanyi teyaweebwa ggwanga limu lyokka oba abantu ab'ekikula ekimu. Yaweebwa eri "buli ayagala, ajje," amawanga gonna, ebika, ennimi, n'abantu. Katonda teyakigenderera ffe kuteekawo nsalo.

13 Naye abantu baayagala okubeera nga, beegeraageranya, manya okukopperera, okubeera nga e—ensi bw'ekola, boogere ebintu bye boogera, bafune obuwanguzi nga bali bwe baabufuna. Tetusobola kufuna buwanguzi nga tukola ebintu ensi by'ekola. Tusobola okufuna obuwanguzi kuyita mu kugoberera biragiro bya Katonda mwokka n'engeri Ye ey'okukolamu ebintu. Tetusobola kubeera bawanguzi, kuyita mu kukola bintu nga ensi bw'ebikola. Kampuni ekola ssigala bw'eba efunye obuwanguzi bw'ayo okuyita mu tereviizoni, n'abafuna mu mwenge ne wisiki nga nabo bafunye obuwanguzi obw'amaanyi okuyita ku tereviizoni, ako ssi kabonero nti ekkanisa ejja kufuna obuwanguzi bw'ayo okuyita mu tereviizoni. Obuwanguzi bw'ekkanisa buli mu kubuulira Njiri, ey'Amaanyi ga Katonda, n'okulabisibwa kw'Omwoyo. Tetusobola kugamba nti olw'okuba nga tereviizoni ekoledde *kino-na-kiri* kampuni ya ssigala ne—ne kampuni endala! Tetulina Kyawandiikibwa kyonna kwetantala kugezaako kwegeraageranya n'abantu abo. Era wadde nga tuba tukikoze, tuyinza okusikiriza enkuyanja y'abantu, naye ekyo Katonda ssi kye yatuyitira okukola. Tulowooza nti olw'okuba nga ffena tuli baatiikirivu, tuli ba ttutumu, n'ebibiina eby'amaanyi, nga tukola ebintu eby'amaanyi, nti obwo bwe buwanguzi. Tweyongera kufa buli lunaku nga tutunula, okufa mu by'omwoyo! Ssinga tuyimirira mu maanyi g'abantu obukadde kkumi enkya ya leero, naye nga Omwoyo Omutukuvu tali naffe, kyandisinzeeko ne tuyimirira mu maanyi g'abantu kkumi nga Omwoyo Omutukuvu ali naffe. Tetusobola kwegeraageranya na nsi.

14 Era ekimu ku bintu ebyasooka, kyali, kkanisa kutandika kwekolamu bibiina. Ekibiina ekyasooka yali eklezia Katolika, oluvannyuma ekkanisa ya Luther n'eddako. Bwe baakola ekibiina mu eklezia Katolika okugifuula ekibiina ky'eddiini, lumu ne wabaawo omulanga ogugamba nti, "Abafirisuuti bakuliko, Samusooni," Samusooni n'akutula emigwa gy'obusibe bw'eklezia Katolika, Martin Luther n'avaayo, n'ebibiina.

15 Nate ne basiba ekkanisa n'omugwa omulala, nga Derira bwe yakola. Ne batandika. . .mu kifo ky'okubeera n'abasajja abaayitibwa Katonda, abasajja abaayitibwa Omwoyo Omutukuvu; nga oba oli awo tebamanyi na ABC zaabwe, naye nga bamanyi Kristo. Awo ekkanisa n'efuuka ya mulembe, ne yeefaananyiriza aboogezi bannabyabufuzi. Era baalina okuwa ababuulizi baabwe "ddigguli y'obwa dokita," buli muntu yalina okuba Dokita mu by'Eddiini. Ogwo gwali muguwa omulala ogw'okusiba ekkanisa. Abasajja bagenda ne basoma, buli ttendekero ly'eby'eddiini lyonna ligezaako okufulumya omuyizi

w'ebyawandiikibwa asinga ku balala ekkanisa yaabwe esobole okwenyumiriza nti, "Omusumba waffe alina ddiguli y'obwa Dokita mu by'Eddiini." Era kiki kye baakola? Omu agezaako okulaba nga asinga omulala okumanya. Kati, ebyo tebirina kye bitegeeza mu maaso ga Katonda.

16 Era tekyetaagisa muntu yenna kugezaako kukozesa magezi ge ag'ensi okusanyusa Katonda nago. Kya muzizo mu maaso ga Katonda! Tolisanyusa Katonda kuyita mu biruubirirwa n'okutegeera kw'ensi, kubanga "ebyo bwe bulabe eri Katonda," Ekyawandiikibwa bwe kigamba. Tasobola kukikola.

17 Era buli omu agezaako okufuna okutendekebwa kwonna. Bamanyi ekyo kyennyini eky'okukola n'ebigambo eby'okwogera, ne kufuuka okwogera obwogezi okw'ebyobufuzi mu kifo ky'okubeera Obubaka bw'Omwoyo Omutukuvu, obulabisibwa mu maanyi obunnyikira mu mutima gw'omuntu ne buzuula ebibi bye. Batendekebwa kwogera mu ngeri ya bya bufuzi, ate nga ekyo ssi kye twetaaga. Pawulo yagamba nti, "Ekigambo ky'ajja gye tuli, ssi mu . . . manya, Enjiri, ssi mu Kigambo mwokka, naye mu Maanyi ne mu kulabisibwa kw'Omwoyo Omutukuvu." Ekyo kye kyaleeta Enjiri, okwolesa amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu! Naye abasajja bano bonna bagenda mu matendekero g'eddiini ne bafuna obuyigirize obwa waggulu, engeri gye balina okuyimirira mu maaso g'abantu, engeri gye balina okulabika mu bantu, engeri gye balina okwambala n'engeri gye balina okukola, tebateekwa kuweebuuka mu njogera. Kati, ebyo byonna birungi bwe kuba kwogera kwa bya bufuzi, naye kye tugoberera ssi bye bigambo ebisendasenda eby'omuntu. Pawulo yagamba nti, "Enjiri gye mbuulira teyajja bw'etyo, naye yajja kuyita mu kuzzibwa obuggya kw'o—kw'Omwoyo Omutukuvu n'Amaanyi agalaga ebikolebwa mu buliwo." Tejja kuyita mu bigambo ebisengekeddwa obulungi, amagezi gammwe gasobole okubeera, kubanga ssinga bwe kityo bwe kiri obwesige bwammwe bwandibadde mu magezi ga buntu. Naye ejja kuyita mu kulagibwa kw'Amaanyi ga Kristo eyazuukira. Eyo ye Njiri nti, "Okumumanya mu Maanyi ag'okuzuukira Kwe."

18 Buli omu agezaako okulowooza nti asinga ku munne amagezi, buli kibiina kya ddiini. Abamesodisiti bajja kugamba nti, "Ffe tulina omusajja asinga amagezi." Ababaputisiti bagambe, wamu n'ab'enzikiriza y'ekkanisa ya Kristo, n'abalala, bonna nti, "Ffe, ffe tusinga amagezi. Ffe, aba—abantu baffe, tetumala gakkiriza muntu wa bulijjo kugenda kubuulira Njiri." Naye beerobozaamu beeroboze. (Ai Katonda, tusaasire!) Beerobozaamu beeroboze; bwe bamala okubannyikizaamu enjigiriza yaabwe, awo ne balyoka babawa ebifo mu kkanisa. Katonda tasobola kumukomako mu ngeri yonna. Njagala omuntu ambuulira abe nga yalondebwa Mwoyo Mutukuvu, nga Katonda y'amuyimusizza, nga talondeddwa muntu yenna oba ebibiina by'eddiini.

19 Okumanya kwonna! Bagamba nti, “O, tumanyi byonna ebimufaako,” kyokka nga n’abamu ku bo tebamanyi na nnyukuta esooka mu walifu y’Omwoyo Omutukuvu. Bamugaana.

20 Kinzijukiza ku katabo akamu ke nnasoma olumu mu California, emyaka nga kkumi egiyise. Nnakajja mu dduka ly’ebitabo ebikadde. Nneerabidde erinnya ly’omuwandiisi waako. Kaali katabo ka ssente kkumi, naye kaalimu amakulu newankubadde nga kaalabika nga ak’okusaagirira n’obukujjukujju. Naye, nnina kye nnazuulamu ekyawulikika nga Katonda, gyendi. Era akamu ku bugero obwalimu kaali katandika bwe kati. Olumu ku makya mu kiyumba ky’enkoko ekinene, mwalimu sseggwanga ento eyalowooza nti yalina amagezi gonna agaali gabaddewo. N’ebuukira ku kibokisi n’ekoonakoona omumwa gwayo ku kibokisi, emirundi nga ena oba etaano, n’esitula omutwe gwayo n’ekookolima mu ngeri ey’enjawulo ennyo nga sseggwanga bw’etakookolimangako. Endala zonna, ne zissaayo omwoyo, n’egamba nti, “Ba nnyabo ne ba ssebo ab’omu kiyumba kino, njagala okwogerako gye muli enkya ya leero ku nteekateeka ey’amaanyi ey’okuyigirizibwa gye twakamala okuteekateeka.” N’egamba nti, “Nkozesezza amagezi mangi mu kusoma kwange,” nga bw’esikako bu gaalubindi bwayo ku mumwa gwayo. N’egamba nti, “Nsazeewo nti ffe ba wankoko tusobola okwebangula okuyita mu kweyongera okusoma. N’olwekyo, nsobola okubagamba nti, bwe tunaasima ne tukola mu kiyumba ekimu engeri y’ekinnya, tujja kusangamu ekiriisa ekinaatusobozesa okukookolima obulungi okusingawo, n’okuba n’ebyoya ebirabika obulungi ennyo. Era, o, nsobola okubabuulira engeri gye tusobola okwongera okwebangula mu ngeri endala nnyingi ez’enjawulo.”

21 Awo obukoko obuto n’obuwonzi bwabwo, ne bukokkolya ne bugamba nti, “Olowooza teyeegombesa?” Era mazima bwagyegomba. “O, nga mpanga ya magezi mangi nnyo!” Ekyo kinzijukiza ku bamu ku babuulizi bano abatendekerwa mu matendekero g’eby’eddiini. “Musajja mugezi nnyo! Tetwetaaga kuddamu kubeera na nkoko ziri endala, ffena tuteekwa okumugoberera.”

22 Kale, empanga eno eba tennamaliriza kwogera kwayo, mwalimu akakoko akalala akataalina byoya binyirira nnyo kiri awo, ne kajja nga kadduka okuva mu buli bwonna obwali mu kiyumba, ne kagamba nti, “Bavubuka, mulindeko katono! Nnaakamala okuwulira amawulire amasu ku leediyo. Ebbeeyi y’enkoko erinnye ssente nnya buli pawunda, ffenna tugenda kusalibwa enkya! Amagezi go ganaagasa ki?”

23 Ow’oluganda, amagezi gonna ge tusobola okwetuumako, gagasa ki? Tuli fuuti mukaaga ez’ettaka obutaka! Ffenna tufa mpolampola buli ddakiika. Amagezi gaffe tegalina makulu. Kye twetaaga kwe kumumanya. Naye bo ekyo kye bakola.

24 Nga bwe nnali njogera gye buvuddeko ku kanyonyi akamu, akaali kalowooza nti kamanyi byonna ebikwata ku—ku buli kimu ky'oyinza okumanya, era kaali kamanyi bingi nnyo okutuusa nti kaabuuliranga bunyonyi bunnaako ku bikwata ku bantu. Kati ne kabuuka ne kagenda ku kaguli kaako ne katandika okwogera ebikwata ku bantu, engeri gye kamanyi byonna ebibafaako. Kati, amangu ago, kakensa okuva mu Purdue n'ajja n'atandika okwogera nako ebigambo by'obukenkufu, ka bambi ne katemereza amaaso ne kakyusa omutwe gwako ne. . .Kati, kaalina amaaso, kakensa kaali kamulaba. Kaalina amatu, kaali kamuwulira. Naye, ekituufu kiri nti, kaali tekamanyi by'ayogerako. Lwaki? Obwongo bwe kaalina bwa kanyonyi. Bwongo bwa kinyonyi. Kye kyokka kye kaalina. Tekaalina bwongo bwa muntu, n'olwekyo nga tekasobola kulowooza nga bantu.

25 N'omuntu bw'atyo bw'atasobola kulowooza nga Katonda! Oli muntu, n'amagezi gonna ag'ensi tegasinga ku bwongo bwa kanyonyi. Kyonna ky'okola, oba weerumya bwerumya nakyo. Oteekwa okufuna endowooza ya Kristo.

26 Ensonga lwaki abantu bagenda ne beegatta ku bibiina, ne bawaanyisaamu okukwata mu ngalo mu kifo ky'okuzaalibwa obuggya, baba bagezaako kwewala okuzaalibwa obuggya. Tebaagala kuzaalibwa buggya. Ate nga ba—bakimanyi nti tukuyigiriza mu Bayibuli, n'olwekyo baagala okukuwaanyisaamu n'ekintu ekirala. Ate n'Abapentekoote nabo bwe bali, bagezaako okuwanyisaamu n'ekintu ekirala! Bakwagala mu ngeri ey'omulembe. Kuteekwa kuba kwa mulembe, "Tujja kukwata bukwasi mu ngalo twegatte ku kkanisa, tumansirwe amazzi oba tubatizibwe," oba ekintu kyonna. Batya okuzaalibwa obuggya. Ebiseera ebimu ndowoozaamu nti n'ab'Ekkuŋŋaaniro lya Branham nabo bagenda batandika okukutya!

27 Kati, ffenna tukimanyi nti okuzaala, ssifaayo oba kuli wa, oba wa, wonna, kaba kavuyo. Oba omwana azaaliddwa ku ntuumu ya bisusunku, wansi awagumu, oba mu kasenge k'eddwaliro akatimbiddwa obulungi, wonna kaba kavuyo, mu buli ngeri. Okuzaalibwa kw'ennyana, okuzaalibwa kw'ekintu ekirala kyonna, kaba kavuyo.

28 N'okuzaalibwa obuggya tekuba kirala kyonna kitali kavuyo! Naye abantu bakakanyavu nnyo nti, "Tujja kugenda eri gye bakwata obukwasi mu ngalo. Tujja kugenda eri gye batawowoggana na kukaaba, na kukuba ku wolutaali na kulaajana." Mwagala nnyo okusigala mu mbeera z'obuntu! Kye twetaaga kwe kuzaalibwa, okufiira ddala, ekyo kye kizaala Obulamu!

29 Ensigo, akammonde akakuze, ensigo y'akammonde, ggwe ddira ensigo y'akammonde eyo ogiteeke mu ttaka. Nga

tonnafuna bummonde buggya, akammonde kali akakadde kateekwa okusooka ne kavunda. Empeke ya kasooli tesobola kuzaala bulamu buggya okutuusa nga emaze kuvunda.

30 N'omusajja oba omukazi tasobola kufuna kuzaalibwa buggya okutuusa nga amagezi ge n'okwemanya kwe ye kennyini nga bivunze, n'afa, n'afiira ku wolutaali, n'alekaana, yenna n'aba mu kavuyo, okutuusa nga wenna okamuddwa, n'ozaalibwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo wa Katonda. Ssifaayo oba okaaba nnyo, n'oyogera mu nnimi, n'obuukabuuka, n'opaapaala nga enkoko esaliddwako omutwe, oba ozaala Bulamu buggya! Naye ekyo twakiwanyisaamu n'ekintu ekirala, twagala engeri ey'omulembe, mazima.

31 Luli, ku Lwokutaano, mukyala wange nange twali tugenda ku dduuka. Kino sigenderera kukiddiŋŋana. Naye bwe twali tutambula ku luguudo, nnabeeranga nkyusa omutwe gwange okuva eno n'eri, olw'abakazi abali obukunya. Nnasuubiza Katonda bwe nnali nkyali musajja eyaziba amaaso, nti bw'Aliwonya amaaso gange nditunuuliranga ebyo byokka ebisaanidde. Era nnina omusaalaba omutono ogulengejjera mu mmotoka yange. Bwe ndaba ekintu nga ekyo, ntunuulira omusaalaba ne ŋŋamba nti, "Ai Katonda, Obwo bwe Buddukiro bwange," nga bwe ntunuulira omusaalaba.

32 Ne ndaba abakazi abo. Meda n'agamba nti, "Tetunnalabayo mukazi n'omu leero ayambadde sikaati." N'agamba nti, "Bill, tunuulira omukazi oli wali ayambadde obuguwa obwo obutono ku kitundu ky'omubiri gwe ekya waggulu," n'agamba nti, "oyagala kuŋŋamba nti omukazi oyo takimanyi nti ekyo kikyamu?" N'agamba nti, "Bw'aba takimanyi nti kikyamu, kitegeeza alina ekikyamu ku bwongo."

33 Ne ŋŋamba nti, "Lindamu katono, mukwano. Omukazi oyo Mumerika, akola ebyo Abamerika bye bakola." Ne ŋŋamba nti, "Nnali mu Finland gye buvuddeko, mukwano."

34 Era ne mbuuza omusajja eyantuuza, Dokita Manninen. Era twali tugenda mu—mu bisenge ebinaabirwamu, ebiyitibwa "sawuna," era bakuyingizaamu ne bayiwa amazzi agookya ku, manya amazzi ku mayinja agookya, ne gakutuuyanya. Oluvannyuma ne bakutwala ne webbika mu mazzi agannyogoga, n'oluvannyuma n'ovaamu. Awo ne bakutwala mu kasenge, akabaamu ba nnansi, abakazi abakuuta abasajja emibiri (ate nga bali bukunya), ne babasindika ne baddayo mu kidiba. Nnagaana okuyingiramu. Ne ŋŋamba nti, "Dokita Manninen, ekyo kikyamu."

35 N'agamba nti, "Weewaawo, Revulandi Branham, ekyo kikyamu. Kati ate abasawo bammwe Abamerika abambula omukazi n'asigala bukunya ne bamugalamiza ku mmeeza, ne beekenneenya buli kitundu ekye—eky'ekyama ekimuliko? Ate ba nnansi bammwe mu malwaliro?"

36 Ne ŋŋamba nti, “Nsonyiwamu, Ow’oluganda Manninen, Manninen, oli mutuufu.”

37 Kiki? Nneeyisa. Bwe nnali mu Paris nnali ssikikkiriza, nti ebiyigo eby’okufuuyisaamu eby’abasajja n’eby’abakazi byali bye bimu. Nnalemwa okukitegeera, okuba nti ebifo eby’okweyambiramu byali ku mabbali g’oluguudo eby’abasajja n’eby’abakazi. Nnali ssisobola kukkiriza nti abakazi bwe baba bagenda ku lubalama lw’ennyanja okuwuga, omulenzi ne munne bwe baagalana, tebalina bifo we bambalira, beeyambula bweyambuzi engoye zonna okutuukira ddala ku bw’omunda, awo ne bakyuka ne bambala akaguwaguwa ne bagenda okuwuga, naye bwe kiri. Tebakifaako. Ye nneeyisa y’Ebufalansa.

38 Mu Afirika, abakazi n’abasajja, abato n’abakulu, nga bali bukunya, batambula mu nsenyi. Tebamanyi na kaabuyonjo kye kiki, oba ebintu nga ebyo, yadde okweyawula. Naye tebalabawo njawulo. Tebalabawo njawulo. Wabula ezo nneeyisa za mawanga.

39 Kale ne ŋŋamba nti, “Mukwano, tuli ba njawulo, tuva mu Ggwanga ddala. Tuli batambuze era bagenyi wano, ekyo kye kireetera ebintu bino okulabika nga bikyamu nnyo. Kubanga Bayibuli egamba nti, ‘Abo abeeyita batyo, bagamba, balaga nti batambuze era bagenyi, nga banoonya ekibuga ekijja.’”

40 Omusajja oba omukazi mu Yitale, mu Bufalansa, mu Afirika, mu ggwanga eddala lyonna, nga yazaalibwa buggya n’Omwoyo Omutukuvu, takola bintu ebyo. Tajja kwambala ngoye ezo. Tajja kweyisa batyo, kubanga ava mu Ggwanga ddala nga Omufuzi era Omukozi waalyo ye Katonda. Ffe tuva mu Ggulu. Omwoyo ogukulimu, gwe gukubiriza obulamu bwo. Bw’oba oli Mumerika, ojja kukola nga Abamerika bwe bakola. Bw’oba oli Mufalansa, ojja kukola nga Abafalansa bwe bakola, ovumirire eby’omulala. Naye bw’oba wa Katonda, ojja kukola nga bwe bakola mu Ggulu, kubanga Omwoyo gwo guva Waggulu era Gwe gukufuga.

41 Ekintu ekitono kye musobola okulabirako. Mu Kyawandiikibwa, abo abaanoonyanga Ekibuga kino ekiggya, beeyisanga mu ngeri ya njawulo. Baayatulanga nti baali batambuze era bagenyi. Naye ku ludda lwa Kayini, baafuuka mmomboze era bakyewaggula. Naye Abakristayo baali batambuze era bagenyi. Emmomboze teba na waka, kyewaggula aba muntu wa mutawaana nnyo. Naye omutambuze muntu omulungi, era ava mu nsi ey’obuliwo mu Ggwanga eddala, nga agezaako okuzuula ekkubo erimuzzaayo Eka, nga ayatula okuyita mu bulamu bwe nti alina ekintu ekiraga nti ava mu Ggwanga ddala. Awo we wali ensonga.

42 Naye ate abantu abo abakola ebintu ebyo, abantu abo abambala ebintu ebyo, muleke mbabuulire. Mu Maserengeta g’Afirika, bwe nnalaba abakaafiiri emitwalo esatu, nga bali bukunya, ba nnansangwa bennyini. Abawala n’abalenzi

ab'emyaka kkumi na mukaaga, kkumi na munaana, abiri, nga tebambadde yadde akawuzi k'olugoye, nga bayimiridde awo n'ebitoomi mu maaso gaabwe, nga beesize langi, n'amagumba mu nnyindo zaabwe, n'ebibajjo by'emiti nga birengejjera ku matu gaabwe, nga batadde amagumba g'abantu manya amagumba agamu mu nviiri zaabwe, nga amannyo g'ensolo gabalengejjerako, nga bali bukunya nga bwe baazaalibwa, naye nga tebakimanyi. Naye bwe baafuna Kristo, ne bagwa ku bwenyi bwabwe ne bafuna Omwoyo Omutukuvu, baasitukawo ne bawumbako emikono gyabwe okubikka ensonyi mu bifuba byabwe, nga bwe bavaawo ne bafuna engoye ez'okwambala. Lwaki? Baali bafuuse batambuze era bagenyi eri ensi eno. Alleruya! Baali bali wala okuva w'Ali. Yee, ssebo.

43 O, weewaawo, abantu bano beeyita Bakristayo. Balina amakanisa mwe basabira. Bavaayo ne bagamba nti, "Tuli Bamesodisiti. Tuli Bababaputisiti. Tuli Bapentekoote. Tuli Baseveniside Abadiventi. Tuli *kino, ekyo,* na *kiri*." Ekyo tekikirinaako kakwate n'akatono. Omwoyo gwo, obulamu obukulimu, bukukubiriza era bwe bulaga kiki ky'oli. Yesu yagamba nti, "Mulibamanyira ku bibala byabwe."

44 Ekkanisa yafuuka nga Yisirayiri, okusooka. Baalaba amawanga gonna ag'ab'amawanga nga galina kabaka. Katonda ye yali Kabaka waabwe. Ne balaba amawanga g'ab'amawanga nga galina kabaka, nabo ne baagala beeyise nga amawanga g'ab'amawanga, ne beefunira kabaka owaabwe. Era bwe baakikola, ne bagwa mu mitawaana. Mpolampola ne kitandika okuyingira. Mpolampola ensi n'etandika okubasenseramu. Ne bamaliriza nga balina Akabu. Buli kabaka yayongeranga kugisemberera, kugisemberera, era okumaliriza nga ebakamuddemu obulamu. Ne bagenda bwe batyo. Era Kabaka yennyini bwe yajja, tebaamutegeera.

45 Ekyo kye kintu kye kimu ekkanisa ky'ekoze. Ekoppye. Kiikino wano. Ekoppye eby'obufuzi, obuyigirize. Ekoppye ebibiina, enkola y'ensi, amakanisa amanene, ababuulizi abeepanka. Naye Kabaka yennyini bw'ajja, tebamutegeera, kyokka nga bakomerera Omwoyo Omutukuvu yennyini Kabaka waabwe. Tebamumanyi, naye bamusekerera ne bamujolonga. Nga Abayudaaya bwe baakola Masiya waabwe, n'ekkanisa bw'ekola Masiya waayo. Tebakimanyi. Tebalina kutegeera kwa mwoyo, kubanga batwaliddwa nnyo n'amaaso gaabwe olw'ebyo bye balaba, ebizimbe eby'amaanyi, nga bagezaako okwegeraageranya n'ensi. Tetukubirizibwa—tetukubirizibwa kwegeraageranya na nsi. Tukubirizibwa okwewombeeka.

46 Era, omu ategeeza bangi, mu Katonda. Era leero mu babuulizi b'enjiri y'okuwonya abali mu nsi, waliwo okuvuganya, bavuganya. Omu agamba nti, "Kale, Katonda agulumizibwe, nnina enkumi bwe ziti. Nnina olukuŋŋaana olunene okusinga ku lulwo." Ekyo kikola njawulo ki? Oba tulina omu oba

kakadde kamu, kikola njawulo ki? Tuli beesigwa eri Katonda? Tuli beesigwa eri Ekigambo Kye? Tuyita ekigezo ky'Omwoyo Omutukuvu? Kituufu? Ekyo kye kintu ekikulu.

47 Naye twekkiriranya ku Bayibuli. Bangi ku bantu baffe Abapentekoote, ku Njigiriza enkulu eza Bayibuli eno, bazekkiriranyako. Waliwo...ssaagala kubalumya. Ndi mu kkanisa yange, era mpulira nti nso—nsobola okukola kyonna, mu kkanisa yange, kubanga mbuulira Njiri. Naye waliwo emitwalo n'emitwalo gy'ababuulizi Abapentekoote abakimanyi nti teri kintu nga ekyo mu Bayibuli nga okubatiza mu linnya lya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu." Nsoomooza ssaabalabirizi, oba omuntu omulala yenna, okundaga omuntu yenna we yali abatiziddwa mu linnya lya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu." Naye bekkiriranya, kubanga ebibiina byabwe nabyo byekkiriranya. Tewali muntu n'omu mu Ndagaano Empya, n'okumala emyaka bisatu egyaddako, okuyita mu byafaayo, eyabatizibwa mu ngeri endala etali mu Linnya lya Yesu Kristo. Kiki ekyo? Kibiina kya buntu. Kye kyakikola. Kwekkiriranya!

48 Era leero bakukumbye ba malaaya bonna okuva ku nguudo. Baggyewo enseege mu kkanisa. Baggyewo ekitiibwa kyonna okuva mu kkanisa, ne baleeta okubuulira okuva mu matendekero g'eby'eddiini, okubuulira kuli okwa ka sseggwanga kali n'oluwonzi lwako, nga kwonna kwa mulembe eri abantu, nga abakazi baabwe bwe bambala empale ennyimpi n'obuteeteeyi bwe bekapiseemu, n'abasajja nga bwe banywa sigala, n'okukuba zzaala n'okubalaata n'ebigambo ebikyafu. Kivve mu maaso ga Katonda! Nkimanyi ekyo kikalubo, naye kye kiseera wabeewo akyogerako. Bekkiriranya, ne beewaayo, okweyisa nga ensi!

49 Ssifaayo oba nnina kuyimirira nzekka, nga ssirina gwendi naye wabula Katonda yekka, nja kubuulira Amazima ga Bayibuli ya Katonda era nnyimirire ku lwago. Oba nfa, era nja kuyimirira ku lw'Amazima. Ddala. Twagala Mazima. Ssijja kwegeraageranya ku kkanisa, wabula ku Kigambo kya Katonda kwe njagala okwegeraageranya.

50 Naye Derira, wali okyetegerezza? Yali akimanyi nti Samusooni yalina amaanyi. Naye yali tamanyi maanyi ago we gaali. Yali tasobola kutegeera maanyi ago kye gaali, naye waaliwo amaanyi ag'enjawulo Samusooni ge yalina, era yali ayagala okugazuula. Kale, Derira, yagenda mu maaso n'okusendasenda Samusooni nga akozesa obulungi bwe. O, yayambalanga mu ngeri nga ddala esikiriza. N'atambuliranga mu maaso ge nga bwe yeemoola nga abamu ku bavubuka ba leero, ne—n'ebirala bwe bityo, n'ayagala n'okweyisa mu ngeri emu, nga omuseegu azina nga ali bukunya, nga agezaako okusendasenda Samusooni amwewangulire.

51 Ekyo kye kintu kye kimu ensi ky'ekoze ekkanisa. Kati Amaanyi go ag'ekitalo gali wa?

52 "Omanyi, bwe tuneekolamu ekibiina, ekyo kijja kukutula Amaanyi." Eklezia Katolika kye yakola.

53 "Naye Abafirisuuti bakuliko, Samusooni." Luther n'avaayo.

54 Ne baddamu ne beekolamu ekibiina nate. "Bw'onansiba n'omugwa omulala, gujja kunnyweza." Ne bakikola.

55 "Nate era Abafirisuuti bakuliko, Samusooni." Kiki ekyabaawo? Wesley n'avaayo n'akutula emiguwa.

56 "Kaakano onnimbye ebbanga lino lyonna. Tokimanyi nti nkwagala, Samusooni? Kati nno, mbuulira amazima okuva mu mutima gwo."

"Kale, nsiba n'omugwa omulala."

57 "Kale, kati tugenda kukola ekyo." Kiki ekyo? Ogwo gwe mugwa ogw'ekibiina ky'eddiini.

58 "Ggwe leka mbeere wa ddembe, nga ssirina kibiina kya ddiini kyonna. Awo, nkubuulira, ojja kuba ommaze." Abapentekoote ne bavaayo. Amaanyi go gali wa?

"Abafirisuuti bakuliko." Emiguwa n'agikutula nate.

59 Naye kati kiki ekyabaawo? Kireetedde Abapentekoote, okulonda abalina ddiguli y'obwa Dokita mu by'Eddiini ab'amaanyi okuba abasumba baabwe, abasajja ab'amaanyi. Bafunye obuyigirize bwe bumu n'emikolo nga Abamesodisiti n'Ababaputisiti, oba abalala bonna bwe balina. Ogenda mu kkanisa n'otawulirayo yadde "amiina," nga bonna bannyogovu nga ekibinja ky'Abesikimo ababeera mu muzira gw'omu Bukiikakkono bw'Ensi. Bannyogovu! Tebeefirayo! "Nate era Abafirisuuti bakuliko, Samsusooni."

60 Abafirisuuti bakuliko, Amerika. Obumu obwo obw'omwoyo buli wa? Obumu bwa Pentekoote buli wa? Aba Assemblies of God, n'aba United, n'aba church of God, na *kino, kiri,* ne *kiri,* buli omu ku bo nga alina enjigiriza ey'enjawulo, ono nga alina *eri*, n'ono *eri*. Tweyawuddeyawuddemu nnyo okutuusa nti osobola okugenda mu kibuga okukubayo olukuŋŋaana lw'okudda obuggya, ekkanisa emu bw'eruwagira, abalala bonna tebajja na kulinnyayo. Ba Nnakalyako'ani bakuliko, Amerika.

61 Amaanyi gaffe gali wa? Ekitiibwa kyaffe kiri wa? Kiki ye? Olw'okuba twagoberera amagezi ag'obuntu mu kifo ky'okugoberera Amaanyi ga Katonda! Ky'ova olaba nga, gaafuula ababuulizi baffe abakakanyavu era ab'emikolo obukolo, okutuusa nti batukozeemu ebibiina ne tutuuka okuba nga tuli bawolu nnyo era bakakanyavu ba nsingo, okutuusa nti abantu. . . Ggwe mu kkanisa okyawuliramu okuleekaana? Towulira muntu n'omu nga akaaba. Ekifo abeegayirizi we baakungubagiranga kyazzibwa eri mu mwaliro ogwa wansi.

Tewakyaliwo kitiibwa mu kkanisa. Kyokka kye tukola kwe kutuula nga tuli bakakanyavu nga bwe kisoboka. Tetuli ba ddembe. Tuli basibe. Ssitaani, n'emizimu gye egy'omulembe, asibye ekkanisa ya Katonda omulamu. Ky'ekyo. Tewakyali Maanyi mu kkanisa. Tewakyali ddembe. Abantu bawolu nnyo era bakakanyavu nnyo! Ky'ova olaba, Katonda asobola okukka mu makkati g'Abapentekoote, n'abalaga nti Ye Katonda, n'akakasa obubonero Bwe obw'okuzuukira Kwe, kyokka ne kitabanyeenya yadde. Kitiibwa! Lwaki, kya nsonyi! Ntambula wonna mu ggwanga, Katonda nga akola, nga alaga obubonero, naye abantu ne batuula, ne bagamba bugambi nti, "Kale, ndowooza ekyo kituufu. O, nkimanyi kisobola okukolebwa." Tekirina kye kibakolako n'akatono! Lwaki? Baasibibwa Derira, ensi. Bali mu njegere.

62 Kati baabatadde ne mu, baabasibidde mu mukago ogw'awamu. "Abafirisuuti bakuliko, Samusooni." Ogenda kukola otya?

63 "O, tulina ebibiina by'amadiini eby'amaanyi." Mazima. "Tulina abagoberezi bangi okusinga be twali tubadde nabo." Naye Omwoyo ali wa? Omwoyo Omutukuvu ali wa?

64 Ekyo ssitaani ky'akoze. Asenzesenze ekkanisa. Yeeyongedde okusendasenda ekkanisa nti, "Mujje gyendi, nja kubawa ekkuŋŋaaniro eddene ery'amaanyi wano bwe munaakola *kino*. Bwe munaagoba omubuulizi oyo omuzoole gwe mulina, ne mufuna omusajja, alina ddiguli y'obwa Dokita mu by'Eddiini alinamu ku magezi, tujja kuzimba ekkanisa ennene ey'omulembe erabika obulungi tufaanane nga abalala." Muswadde! Waakiri mubeere n'omusajja atamanyi kwawula wakati wa mmwaanyi na bijanjaalo, naye nga yajjula Omwoyo Omutukuvu, atekkiriranya, ku Maanyi ga Katonda.

65 Naye, o, ennyogoze nnyo, okutuusa nti bambi omutukuvu omu ayinza okuwaguza mu lukuŋŋaana n'ayogera mu nnimi, oba n'aleekaanamu katono, oba n'abaako ky'akola, awo abasigadde bonna ne bamwetegereza nga basamaaliridde. "Kibadde kiki ekyo? Kale, nneewuunya oba kivudde ku ki? Oyo ateekwa okuba nga muzoole alina gye yavudde." Mukimanyi nti ago mazima! Omutukuvu omu bambi ayingira, n'asanyuka nnyo n'awanika emikono gye, n'akaaba n'atendereza Mukama, n'aleekaana nti "amiina" eri okubuulira kw'Enjiri, abasigadde bonna ne bakyuka okulaba kiki ky'ayogedde. Abo be Bapentekoote. Mutawaana ki? Mukoppa Bamesodisiti, abakoppa Abababaputisiti; nga nabo baakoppa Bakatuliki; Abakatuliki baakoppa ggeyeena. Era mwenna wamu, mukoppa ggeyeena! Kituufu.

66 Derira abasenzesenze mu kuba n'amakanisa amanene, ababuulizi abatendeke, obulungi, batwala bali ab'eddaala erya waggulu. "Owaaye, okimanyi nti, *Gundi* oli nnaggagga, ssinga

tusobola okumumatiza n'ajja mu kkanisa yaffe! Ha, abaffe!" Bw'aba nga tazaalibwanga mulundi gwa kubiri, tasaanidde kugibeeramu. Ssifaayo oba alina akakadde ka ddoola. Oba alina emmotoka ez'ebbeeyi zi Kadiraaka amakumi ana, oba alina ki, ateekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, n'ajja n'afuna okuzaalibwa obuggya n'akyusibwa Omwoyo Omutukuvu, n'avaawo nga azaaliddwa buggya, nga eminyira gikulukuta (munsonyiwemu), nga akaaba aleekaana, nga bw'akola ebintu ebyo byonna nga abalala bwe bakola, oluvannyuma n'atambulira mu bulamu obukakasa nti yamufuna. Amiina. Ekyo kye weetaaga.

67 "Samusooni, Abafirisuuti bakuliko." Bannaakalyak'ani bakuliko. Ensi ekuliko. Ssitaani akuliko.

68 Baddayo ne balaba Omwoyo wa Katonda nga akola eby'amagero ng'akola ebintu ebiraga okuzuukira Kwe, Yesu bye yasuubiza, ne bagamba nti, "Omanyi nti, kirabika Ow'oluganda Branham asoma nnyo ebirowoozo by'abantu. Musumba wange yagamba nti ebyo ssitaani y'abikola."

69 Ggwe baabuwe, munnanfuusi, omukafiiri eyalimbibwa, gwe baawagala obwongo, ggwe omusege oguli mu ddiba ly'endiga! Yesu yagamba nti, "Ssinga muntegedde, mwanditegedde olunaku lwange." Naye mulina ba Sawulo abagezaako okubaleetera okufaanana nga abalala bonna.

70 Twagala abasajja ba Katonda abatekkiriranya ku Kigambo, wabula nga babuulira Amazima ne bayimirira ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

71 Naye kiki ensi ky'ekoze? Yakumwako Amaanyi go gonna. Wazaalibwa oli Muwonge, ggwe ekkanisa ya Pentekoote, naye ensi mazima ekumweddeko Amaanyi go. Kati naawe ofuuse wa mikolo bukolo nga ziri endala zonna.

72 Kiki kye tugenda okukola? Kiki ekigenda okubaawo? Waliwo ekintu kimu eky'ekitiibwa kye nsobola okulowoozaako mu kumaliriza ekitundu kino.

73 Samusooni nga akyasibiddwa! Tetusobola kuba na kudda buggya. Wulira muganda waffe omwagalwa, Billy Graham mbu, "Okudda obuggya mu biro byaffe!" Wulira Oral Roberts nga aleekaana mbu, "Okudda obuggya mu biro byaffe!" Bawulire bonna nga bagamba mbu, "Okudda obuggya mu biro byaffe!" Tuyinza tutya okufuna okudda obuggya nga tusibiddwa? Tusibye Omwoyo Omutukuvu, n'ebibiina byaffe n'obulombolombo, ne kiba nti tetusobola kufuna kudda buggya kwa Mwoyo Mutukuvu. Amiina. Nkimanyi nti ekyo kyokera ddala, era nga embeera y'obudde bw'eri, naye ago ge Mazima. Tuyinza tutya okufuna okudda obuggya okw'Omwoyo Omutukuvu nga muli basibe bwe mutyo era abakakanyavu! "Ekifaananyi eky'okutya Katonda," Bayibuli bw'egamba nti baliba nakyo. "Ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye

nga beegaana Amaanyi gaakwo." Amaanyi aga ki? Amaanyi g'ekibiina ky'eddiini? Amaanyi g'ensi? Amaanyi g'ekkanisa? Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu! Ekyo kye kyama ky'ekkanisa. Era ekkanisa bw'ekoppa eky'okuba n'ababuulizi abatendeke, n'ebizimbe ebinene ebitemagana, mu kifo ky'okuba n'Omwoyo Omutukuvu ow'enkola enkadde, basaanidde badde ku mulamwa nate. Amiina. Kituufu. Munaafuna mutya okudda obuggya okw'Omwoyo Omutukuvu, nga abantu bamuzikiza ne bamusiba era nga bamutya? Awo we wali omutawaana.

74 "Abafirisuuti bakuliko." Wabula essuubi lyokka lye tulina ery'omukisa, Samusooni bwe yali nga akyali mu kkomera . . .

75 Kiki kye baasooka okukola nga baakamukwata? Baamusiba, okusooka. Baamuggyako amaanyi ge, bwe baazuula ekyama kye. Baazuula ekyama kyo. Ensi yazuula ekyama kyo. Kati mmwe abakazi abasala enviiri zammwe, nga ensi bw'ekola. Mmwe abasajja abagenda nga mweyisa nga ensi. Naye kale, ne mubalaata ne mwogera ebigambo eby'okusaagasaaga ebikyafu, ne mugenda ne mufuuwa ku ssigala, ne mugenda n'abakazi ba baliraanwa, ne mukola buli kimu kyonna, n'ogendako okunywamu katono ne banno mbu osobole okusigaza omulimu gwo. Waakiri nsulirira bu bisikwiti ne nnywa amazzi g'oluzzi, naye ne nsigala nga ndi muyonjo era nga ndi mulongoofu mu maaso ga Katonda, okusinga okwekkiriranya olw'omulimu gwonna. Ky'ekyo. Mazima. Sigala nga oli mwesigwa eri Katonda.

76 "Samusooni, Abafirisuuti bakuliko." Ekkuŋŋaaniro lya Branham, ensi egenda ebasensera. Ate ggwe? Wayasanguza ekyama kyo? Wayasanguza ekyama ekyo Katonda kye yakuwa luli lwe weevulungira wansi luli mu lufufugge lw'embaawo emyaka mitono egiyise? Wakireka ne kikuvaako mu kusinza okw'obuntu, okuwolu? Kiki ekyakutuukako? Katonda asobola okukka n'akola eky'amagero n'agenda mu kibiina n'abuulira abantu ebyama eby'omu mitima gyabwe, na buli kimu, n'awonya abalwadde n'abanyigirizibwa, n'akola obubonero n'ebyewuunyisa, n'abuulira Ekigambo Kye mu bukalubo nga bwe kisoboka, okuyita mu Mwoyo Omutukuvu; naye abantu ne bagamba nti, "Kale, ndowooza ekyo kirungi. Tunyumirwa okukiwulirako buli luvannyuma lw'ekiseera, bwe tuba tetukooye nnyo." Eryo lye Kkuŋŋaaniro lya Branham. Abafirisuuti bakuliko.

77 Nga ate, kyateranga okuba nti nga okubuulira kw'Ekigambo kugenda mu maaso, abatukuvu ab'edda ng'amaziga gakulukuta mu maaso gaabwe, baasitukanga ne batambulatambula, nga bakaaba oba oli awo nga tebalina kye boogera, naye nga batambula okwetoloola munda mu kkanisa, emirundi nga ebiri oba esatu, oluvannyuma ne batuula wansi, nga bajjudde nnyo Omwoyo Omutukuvu! Ekigambo kyabaliisanga! "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo

ekiva mu kamwa ka Katonda.” Abafirisuuti bakuliko, ggwe Ekkuŋŋaaniro lya Branham.

Abafirisuuti babaliko, mmwe Abapentekoote.

78 Weewaawo, Abafirisuuti baabakwata, nammwe, dda nnyo lwe mwekolamu ekibiina ky’eddiini ekinywevu, nga tewali asobola kuyingira okujjako nga Mupulesibeteriyani, Mubaputisiti, Mumesodisiti, Mukatuliki, oba ekintu bwe kityo. Nga temusobola kukolagana na bantu balala bonna.

79 Kati, okudda obuggya mu biro byaffe? Tuyinza tutya okuba nakwo nga oyo agaba okudda obuggya bulijjo asibiddwa ensi? Katonda tajja kuyingira wali nsi, ekyo kitegeere. Bw’okwatagana n’ensi, to—tosuubira kirala kyonna. Bw’oleka ensi n’eyingira, n’otandika okweyisa nga ensi, olwo nga owedde. Naye bw’oneesalako ebisiba by’ensi byonna, n’ojja eri Katonda, Katonda ajja kukukozesa okutuusa lw’oliddamu nate okuzannyiikiriza n’ensi.

80 Lino lye ssuubi lyokka lye nnina enkya ya leero, nga mpumbawumba Obubaka bwange, lye lino nti, “Samusooni bwe yali akyasibiddwa, omuvumbo omupya ogw’enviiri gwali gumera.”

81 Katonda tusaba otuwereeze Ekkanisa endala nga enkomerero tennatuuka, Amaanyi ag’Omwoyo Omutukuvu gasobole okugiyingiramu, mu kulabisibwa kw’Omwoyo, Makko 16 asobole okugoberera Ekkanisa, Ebikolwa by’abatume 2:4, Ebikolwa by’abatume 2:38, byonna nga bitambulira wamu n’Ekkanisa. Obubonero n’ebyewuunyisa nga bigoberera abatume. Obubonero obw’amaanyi obw’okuzuukira Kwe nga bubagoberera. Nga tukyali mu kkomera, mazima waliwo ekirime Katonda ky’akuza awantu awamu, eky’olutta olw’amaanyi olusembayo. Leka ekirime ekyo kibeere ggwe, mukwano gwange Omukristayo ali wano enkya ya leero, leka kibeere nti amaanyi go gatandise okukula. Nsaba nti Obubaka buno enkya ya leero, n’eyo yonna mu mawanga gye bunaagenda, nzikiriza nti Obubaka buno bujja kuleeta ekiriisa mu nkola yo ekinaakomyawo Amaanyi ag’omwoyo mu bulamu bwo nate.

Tukoteke emitwe gyaffe tusabe.

82 Ai Mukama Katonda, Omutonzi w’Eggulu n’ensi, ggwe Ensibuko y’Obulamu Obutaggwaawo, era Omugabi wa buli kirabo ekirungi era eky’omwoyo, twala ebigambo bino enkya ya leero obiteeke mu mutima, era obifukirire, Mukama. Leka abantu basabire ebintu bino, nga bwe tulaba nti ensi esenzesenze ekkanisa n’emaliriza nga ezudde Amaanyi gaayo, nga ezudde ekifo kyayo ekikusike, ezudde ekyama kyayo we kiri, era ekigimweddeko. Eddidde abantu olumu abaaleekaananga obuwanguzi, abaalina ku buwanguzi, n’ebubamwako, ne batandika okusigala eka ku Lwokusatu akawungeezi okubaako ne pulogulaamu gye balaba ku tereviizoni. Eggyeewo essanyu

okuva mu mitima gyabwe, n'ebawa okwongera okwagala ensi okusinga bwe baagala Katonda. Ebawadde ensi nnyingi, okufaanana ensi, okuyaayaana kungi okuyaayaanira ebinyumu by'ensi okusinga okuba n'okubuulira kw'Enjiri. Nga bwe watabaawo bbandi nnene na kudigida, na kuleekaana na kukola biringa ebyo, awo Enjiri ey'edda baba tebakyagyagala, nate, eyo ereeta amaziga ag'essanyu eri emmeeme, ekomyawo okuwonyezebwa kw'obwa Katonda, ekomyawo ebirabo by'ekitume mu kkanisa, ekomyawo Kristo eyazuukira, Masiya ow'ebiro bino.

83 Naye nga Isiraeli bwe baasibibwa ba—ba kabaka baabwe, ne batasobola kugoberera Kabaka omutuufu; era Kabaka omutuufu, bwe yajja, tebaamutegeera. Bwe kityo bwe kiri ne leero. Ai Mukama, Kabaka ow'Ekitiibwa alabise mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu, naye, Mukama, tebaakimanyi. Tebakimanyi. Beekozeemu nnyo ebibiina ebinywevu, n'okutuusa nti tebakitegeera, kubanga tekiri mu kibiina kyabwe. Mukama, kuno kukola kwa ssitaani kwe kukoze kino eri abantu.

84 Leka Samusooni wa Katonda, leka ab'amazima mu mutima, abo abayaayaana nga bakaaba, era nga beegayirira nga bakyanywedde, leka bakinywerereko, Mukama, okutuusa nga ekirime kino ekiggya kivuddeyo, okutuusa lwe wanajja essanyu mu Sayuuni nate, ne wajja ekibiina ekisobola okutegeera n'okumanya, ekisobola okulaba Masiya n'Amaanyi amakusike agaakwekebwa eri ensi, baleme okutegeera kati. Kituwe, Mukama, basobole okukiraba. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

[Ebbanga ku lutambi—Omuk.]
. . . Amaanyi kati,
Ai Mukama, weereza Amaanyi kati
Obatize buli omu.

Baali mu kisenge ekya waggulu,
Bonna baali bumu,
Omwoyo Omutukuvu bwe yakka
Eyasuubizibwa Mukama waffe.

Ai Mukama, weereza Amaanyi Go kati,
Ai Mukama, weereza Amaanyi Go kati;
Ai Mukama, weereza Amaanyi kati
Obatize buli omu.

85 Nga mmwagala! Leka aweereze Amaanyi Ge! Baali mu kisenge ekya waggulu, nga bonna bali bumu. Ensi yonna yali ebakamuddwamu. Baali bakalidde, awo Omwoyo Omutukuvu n'akka.

86 Olwa leero bagamba nti, "Jangu, weegate ku kkanisa, owandiise erinnya lyo mu kitabo. Oba vunnama ogambe nti, 'Njatula Kristo nti ye Mwana wa Katonda,' osituke." Ssitaani akola ekintu kye kimu. Mazima ddala. Ssitaani yabatizibwa

Yuda bwe yabatizibwa. Ssitaani yagenda n'abuulira Enjiri Yuda bwe yagenda n'abuulira Enjiri. Naye ssitaani teyafuna Mwoyo Mutukuvu. Ky'ekyo. Awo Amaanyi amakusike we gali, okuzuukira okwo, entegeera eyo entuufu, awatali kubuusabuusa kwonna. Amiina.

87 Ali wano. Omwoyo Omutukuvu y'omu, Oyo eyali ku Mayisa, akyali ku Kkanisa Ye. Tavaawo. "Nja kubeera nammwe bulijjo, era mu mmwe, okutuuka ku nkomerero y'ensi. Nja kubeerawo. Emirimu gye nkola, nammwe muligikola. N'egisingawo ku gino gye mulikola, kubanga ŋŋenda eri Kitange."

88 Naye ensi eky'ekkiriranyako nti, "Ha, ezo ennaku zaayita dda!" Ekyo kyennyini ssitaani ky'ayagala okole. Baagala ogoberere ebitemagana. Katonda ayagala obatizibwe. Katonda ayagala. . .Ogamba nti, "Ha, ssikkiririza mu bya kweyisa nga bwe bakola." Genda mu maaso otambulire, genda mu maaso otambulire mu kibi kyo, beera mu kibi kyo. Naye okutuusa nga ovunze, okutuusa lw'ovunda eri endowooza zo, okutuusa lw'ovunda eri emisono gyo, n'okyusibwa nate n'ozaalibwa omulundi ogwo'okubiri, Obulamu obwo obuggya ne bwawukanira ddala ku buli obwafa.

89 Empeke ya kasooli egenda mu ttaka nga ya kyenvu, evaayo nga ya kiragala. Egendamu nga ŋŋumu, nga ebikkiddwa munda, evaayo nga ŋŋonvu nga edda empewo gy'efuuwa. Ha, kitiibwa! Alleruya! Empewo bw'etandika okufuuwa, empeke teba na kirala kyonna kya kukola okujjako okugenderako, n'etwalibwa empewo, naye omu—omutunsi ogwo gweweta ne gusanyuka, ne gukula, ne gwenyweza. Tesobola kufuuka mutunsi okutuusa nga empeke efudde n'evunda. Ssi kufa kyokka; naye n'evunda. Eba tekyasobola kukomawo nate, naye obulamu bugivaamu.

90 Nga bwe nnagambye akaseera katono akayise nti, okuzaala kintu ekirabika obubi ennyo, kyennyinyaza, kikyafu, kye kisingayo obujama, naye ate omwo mwe muli obulamu. Bwe weeraba nga oli mujama, n'olaba obujama bwo obw'ebigunje eby'Ekimesodisiti, eby'Ekibaputisiti n'eby'Ekipentekoote, n'ofiira ku wolutaali, awo Obulamu obuggya we buyingirira. Omwoyo Omutukuvu akutwala okusukkuluma ebyo; n'olaba Katonda.

91 Tulimulaba ku lunaku olumu olw'ekitiibwa. Lumu nga tususse okutegeera okw'obuntu, tulimulaba. Ekyo mukikkiriza? Lumu nga tususse okutegeera okw'obuntu, waliyo olunaku oluggya olw'essanyu olunnindiridde.

92 Nnabadde nnyimiridde wano ku nsonda ekiro, ne ndowooza nti nninga alabye Labbi Lawson. Bwe yateranga okuyimirira wano, n'akunukkiriza n'omuggo omukadde n'ansika n'eŋŋango yaagwo, nga asika ensingo yange n'omuggo gwe, waggulu eno ku kituuti, n'ayimba oluyimba olwo nti, "Waliwo olunnindiridde. . . " [Ebbanga ku lutambi—Omuk.] . . .?. . .

93 Waliwo ekyabaawo! Kyanzigyamu ensi yonna. Nnatandika okulaba ebintu mu ngeri ey'enjawulo. Nneeraliikiridde nnyo olw'engeri Abamerika bano gye bakolamu ebintu, bulijjo, mwaka ku mwaka, nga ndaba abakazi n'abasajja engeri gye beemalamu ensa nga bwe bagenda mu kibi, okutuusa katono nzirike, emirundi nga ebiri oba esatu, nga kinneeraliikiriza. Eggulo, nnagambye Katonda nti, "Ssigenda kuddamu kweraliikirira. Ekigambo Kyo ky'agamba nti kiriba bwe kityo. Naye nja kuyimirira mu muwaatwa nkinenye, n'amaanyi gange gonna."

94 Luli, bwe nnali nnyimiridde ku kyuma kya Green's Mill, awali empuku yange, eri mu ttale, oluvannyuma lw'okusaba olunaku lwonna. Awo ku ssaawa nga mwenda, nga enjuba egolooba, nnali nnyimiridde awo nga ntunudde emitala, nga nvudde mu mpuku, waggulu ku lwazi olunene. Era nnali nnyimiridde awo, nga ntunudde Ebuvanjuba, ntendereza Mukama. Nnali ndaba enjuba nga eggweerayo emabega mu miti waggulu eri ku lusozi, nga ntunuulidde emitala w'oluwonko, ebikoola by'emiti nga bisaakaatidde, nga tebyenyeenyako yadde. Ne ŋŋamba nti, "Mukama, lumu wakweka Musa mu mpompogoma z'olwazi, n'omuyitako, kubanga yali aweddemu amaanyi. Naye wayitawo, era yagamba nti, 'yalaba nga omugongo gw'omuntu.'" Ne ŋŋamba nti, "Nkweeka mu mpompogoma, Mukama." Mu kaseera ako kennyini, ku ludda lwange olumu, ne wajja Empewo empeweevu nga eyita mu miti. N'egendera ddala, n'ejja ku ludda lwange, empewo empeweevu nga efuuwa, n'eyita mu miti. Ne nnyimirira awo.

Olunaku lumu, Katonda yekka y'amanyi ddi oba wa,
Nnamuziga z'obulamu zonna ziriyimirira,
Era ndigenda okubeera ku kasozi ka Saayuuni.

Olunaku lumu okusukka okutegeera kw'obuntu,
Olunaku lumu, Katonda yekka y'amanyi ddi oba wa,

Kiki ekiribaawo? Ejja kuyimiriza, bu nnamuziga buno bwonna obweetoloola.

Nnamuziga z'obulamu zonna ziriyimirira,
Era tuligenda okubeera ku kasozi ka Saayuuni.

Seeyeeya ng'okka, ggwe eggaali ennungi,
Nga ojja okunnona ontwale Eka;
Seeyeeya ng'okka, ggwe eggaali ennungi,
Nga ojja okunnona ontwale Eka.

Bw'olinsookayo,
Nga ojja okunnona ontwale Eka;

Gamba Ow'oluganda Bosworth, n'emikwano gyange gyonna, gyonna,
Nti ejja okunnona entwale Eka.

Kaakano eseeyeeya. . .(Lumu ejja kukka wansi entwale.). . .egga-. . .
(Buli muti gulikwata omuliro; Bamalayika ba Katonda, eggaali ey'omuliro). . .nga ejja okuntwala Eka;
Seeyeeya ng'okka, ggwe eggaali ennungi,
Nga ojja okunnona ontwale Eka;

95 Lumu ku nnaku zino, lumu ku nnaku zino mu ssaawa enzibu ennyo ez'akaseera kange ak'okufa, mmulindiridde okujja. Ky'ekyo.

Nnatunula emitala wa Yoludaani ne ndaba
Ekyali kijja okunnona okuntwala Eka; (nga Eriya ow'edda nga alengera emitala wa Yoludaani)
Ekibinja kya Bamalayika abaakaayakana nga bajja okunnona,
Nga bajja okunnona bantwale Eka.

Seeyeeya ng'okka, kkira ddala, ggwe eggaali ennungi,
Nga ojja okunnona ontwale Eka;
Seeyeeya ng'okka, ggwe eggaali ennungi,
Nga ojja okunnona ontwale Eka.

96 Mukama Yesu, Omugoba ow'omukisa ow'eggali eno, Omugoba w'ekyombo eky'edda ekya Saayuuni, eryato ery'Obulamu, ayitaayita mu kizimbe, nga ayogera, Okubeerawo Kwe kuli wano. Omwoyo Omutukuvu yennyini eyamuzuukiza okuva mu ntaana ali wano.

97 Nga bwe kiri nti tebaagabye kaadi za b'akusabirwa, waliwo omuntu yenna wano nga wavudde bweru wa kibuga, nga ssikumanyi, nga wazze wano okusabirwa? Yimusa emikono gyo, bwe mba nga ssikumanyi. Yimusa emikono gyo, ssimanyi. Ggwe, ggwe ali awo. Nzikiriza omwami oli ow'enswiriri emabega wali, waliwo ayimusizza omukono gwe bw'atyo. Yee, ggwe, oyimusizza ku mukono gwo? Kale. Emabega wali, ggwe, ssebo. Kale. Mwenna tetumanyiganye? Mukama Yesu oyo, Omusumba w'ekisibo kino, mukkiriza nti ebisuubizo Bye bya mazima? Afuka amafuta ku kkanisa Ye, era "Emirimu gye nkola, nammwe, muligikola. Mulikola n'egisinga ku gino, kubanga ŋŋenda eri Kitange. Egisinga ku gino!" Mukikkiriza ekyo?

98 Oyimusizza omukono gwo nti tommanyi? Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira ekiri mu mutima gwo, asobola okwogera nange nga bwe yayogera n'omukazi eyakoma ku munagiro gwe? Okkiriza nti ye Kabona Omukulu akwatibwako n'enneewulira z'obunafu bwaffe? Katonda bw'anambikkulira

embeera zo, onanzikiriza nti ndi nnabbi We, n'okkiriza nti Okubeerawo Kwe kuli wano nti era eyo ye nsonga lwaki akikkiriza kibeewo? Osabira mukyala wo. Yamenyeka bbunwe, bbunwe we yaseeseetuka. Ky'ekyo. Bwe kiba nga kituufu, yimuka. Kale, genda omusisinkane, nga awonyezeddwa. Amiina.

99 Ate ggwe ali emabega wali, ggwe eyayimusizza omukono gwo, eyabadde n'enswiriri? Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira emitawaana gyo? Okkiriza nti mutabani wo agenda kuba bulungi? Okkiriza? Olina omutabani, yasannyalala olwa mulalama ku bwongo. Ky'ekyo. Toli. . .Ova mu Kentucky. Bwe kiba nga kituufu, yimusa omukono gwo. Ssikumanyi, ssi bwe kiri? Bwe mba nga nkumanyi. . .Yimusa omukono *bw'oti,* tetumanyiganye. Kituufu. Nneesize Katonda. Okkiriza? Nga bw'okkiriza, genda osisinkane omwana wo okusinziira ku kukkiriza kwo. Muteeke ku mutima gwo.

100 Yabadde ani eyayimusizza omukono wano, gwe ssa—ssa. . .Yabadde ggwe? Kale, ssebo, onzikiriza okuba nnabbi wa Katonda? [Omusajja addamu nti, "Amiina."—Omuk.] Okkiriza, n'omutima gwo gwonna? Teweetaaga kujja waggulu, yimirira awo wennyini. Kale, ssebo, kiki ekikutawaanya, olina obulwadde bwa ssukaali. Era bukutawaanya mu kigere. Ova mu Ohio. Erinnya lyo ggwe Mw. Miller. Ddayo eka owonyezebwe. Kale, kkiriza n'omutima gwo gwonna. Kale.

Okkiriza n'o. . .? Kikkirize. Ssinga okkiriza!

101 Nnyabo atudde awo, wayimusizza omukono gwo? Omukyala omunene, ayambadde gaalubindi, okkiriza n'omutima gwo gwonna? Okkiriza n'o. . .Onzikiriza okuba omuweereza wa Katonda? Onzikiriza? Kale, Katonda ssinga ambuulira ekikutawaanya, onakkiriza? Olina obulwadde bw'omutima. Kale, yimusa omukono gwo bwe kiba nga kituufu. Kale.

102 Omukyala wano akuliraanye, ayimusizza. Mutima; naye okusinga maaso go. Mmumanyi. Kale, ssinga onakkiriza!

103 Emabega wali, omusajja addako awo alina obulwadde bw'omutima, naye, n'endwadde y'olususu. Okkiriza nti Katonda anaakuwonya? Okkiriza, ssebo?

104 Waliwo omusajja emabega awo, eyayimusizza omukono ata. . .Mw. Schubert. Kale, ssebo. Kale, okkiriza? Maaso go, naawe, ssi bwe kiri? Osabira maama aliko w'atudde, naye. Ekyo bwe kiba nga kituufu, yimusa omukono gwo. Tetumanyiganye. Kituufu? Mukwatagane mu ngalo, mukwatagane mu ngalo. Kale, kale. Ssinga osobola okukkiriza, osobola okufuna!

105 Yesu Kristo eyazuukira ali mu kizimbe. Y'omu. Ekyo kikukola kitya? Wakkiriza ensi n'ekunyuunyuntamu amaanyi gonna? Kitiibwa! Njagala kuzaalibwa buggya! Njagala Bulamu bupya! Ssifaayo oba bujjira ku mutendera ki, oba nneetaaga kuba mutukuvu yeevulunga, kyonna kye kiri. Ssifaayo oba

bujjira ku mutendera ki, njagala Omwoyo Omutukuvu yennyini nga andiko kati. Njagala kumusigaza! Waakiri mbeera naye okusinga okuba n'ebintu byonna eby'ensi. Amiina! Mukkiriza? Mukkiriza nti ali wano?

106 Muteeke emikono gyammwe buli omu ku munne, kati. Mbuulirayo ekintu ekirala kimu ky'Asobola okukola. Tewali. Beera n'okukkiriza kati. Kkiriza nti kiwedde.

107 Mukama Katonda, Omutonzi w'Eggulu n'ensi, Ensibuko y'Obulamu Obutaggwaawo, era Omugabi w'ebirabo ebirungi byonna, Omwoyo Wo ali wano era afuka amafuta, Mukama, kirabika nga ekizimbe ekirimu obulamu, eno n'eri. Lwaki abantu tebasobola kukitegeera, Mukama? Bakwa—bakwataganye nnyo n'ensi, ne bafuuka bannyogovu era bakakanyavu nnyo, okutuusa nti tebakyasobola kukutegeera? Mukama, Katonda, leka Amaanyi gano gakwate ku buli omu, na buli mulwadde yenna awonyezebwe, buli mwonoonyi alokolebwe, era Katonda aweebwe ekitiibwa. Okuyita mu Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, nkisabye. Amiina.

108 Mukikkiriza? Muyimuse emikono gyammwe. Mukkiriza okuwonyezebwa kwammwe? Katonda abawe omukisa. Kati mugende mukifune ddala nga bwe mukikkiriza, bwe kijja okuba. Ndaba okwolesebwa ku balala. Ky'ekyo. Nteekwa okukomawo ekiro kya leero.

109 Bw'oba tokkiriza kati, tolikkiriza. Ky'ekyo. Yesu yakikolako lumu, ne bagamba nti, "Oli. . .Tumanyi nti Masiya bw'alijja, alitubuulira bino." Omukazi yagamba nti, "Nkimanyi nti Masiya alikola ekyo. Naye ate Ggwe Ani?"

N'agamba nti, "Ye Nze."

110 Awo n'adduka n'agenda mu kibuga n'agamba nti, "Mujje, mulabe Omusajja amanyi byonna bye ndi ne bye nnali nkoze. Ono teyandiba nga ye Masiya?"

111 Yagamba nti, "Ebintu bino biriddamu nate mu nnaku ez'oluvannyuma. Ekkanisa eriba ebuulira Mazima, eriba eyimiridde ku Kigambo. Eriba ekola Ebiragiro bya Katonda byonna. Terikolagana na nsi. Era okuyita mw'ekyo nditambula ne nkola ebintu bye bimu."

112 Naye yagamba nti, "Baliba bakakanyavu, abeegulumiza, abaagala essanyu okusinga Katonda, abatatabagana, abawaayiriza, nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda," nga bannaddiini nnyo, bagenda mu makanisa. "Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana Amaanyi gaakwo. Abo obakubanga amabega!"

113 Bantu mmwe, wonna we mubadde muli mu kkanisa, mwenna b'ayiseeyo kati, okwolesebwa kunvuddeko. Bwe—bwe kiba nga gabadde mazima, kye njogedde, ate nga nze ssirina kye mbamanyiiko, muyimuse emikono gyammwe, buli omu

yenna. Mu kkanisa wonna, buli—buli muntu. Kale. Mukiraba? Ssibamanyi, ssibalabangako; naye Omwoyo Omutukuvu ali wano era abamanyi. Temusobola kukiraba nti ssi nze nkikola?

114 Muwulirize! Bw'aba asobola okunneesiga n'ekyo, ajja kunneesiga n'Amazima g'Ekigambo, kubanga Amazima gasobola kujja kuyita mu Kigambo mwokka. "Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggyibwako ebibi, munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu, kubanga okusuubizibwa kwammwe era kwa baana bammwe, n'abo bonna abali ewala, bonna abaliyitibwa Mukama Katonda waffe." Mukikkiriza? Wagenda kubeerawo okubatiza mu kaseera katono.

115 Leka tukoteke emitwe gyaffe. Nja kusaba omusumba asabe nga bwe bategeka okubatiza. Ndowooza waliwo okubatiza okugenda okukolebwa. Kale.

59-0628M Ekkanisa Eyalimbibwa Ensi
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky’obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky’awaka nga eky’omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky’okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky’okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw’ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org